EAST AFRICAN CRUDE OIL PIPELINE

ENKOLA Y'EDDEMBE LY'OBUNTU

East African Crude Oil Pipeline (EACOP) yeeyama okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu n'amateeka agaliwo mu byonna bye tukola n'okussa mu nkola Emisingi gy'Amawanga Amagatte Egiruŋŋamya Bizineesi n'Eddembe ly'Obuntu, Emisingi gy'Amawanga Amagatte Egiruŋŋamya Amakampuni g'Ensi Yonna mu Bisineesi, Ebiruŋŋamya Amakampuni g'Ensi Yonna ebya OECD, amateeka amakulu ag'Ekibiina ky'Abakozi mu Nsi Yonna n'Emisingi gy'obwa Kyeyagalire ku Bukuumi n'Eddembe ly'Obuntu.

Enkola y'eddembe ly'obuntu eno egenderera okunnyonnyola obweyamo bwa EACOP ku ddembe ly'obuntu olw'okuganyula abakwatibwako aba wano n'ab'ebweru.

EACOP YEEYAMA MU BYE TUKOLA BYONNA:

- Okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu nga tukola emirimu gyaffe.
- Okubeera nga twetegereza ensonga z'eddembe ly'obuntu nga tukozesa enkola eyeesigamiziddwa ku bulabe mu kuzuula, okwekenneenya, okukola, okulondoola n'okutegeeza ebikwata ku bulabe n'ebireetebwa eddembe ly'obuntu ebyekuusa ku mirimu gya EACOP, omuli okufaayo ku ddembe ly'abantu n'ebibinja by'abantu abangu b'okufuna obuzibu abamanyiddwa ng'abantu bannansangwa mu bitundu okusinziira ku lugerero lw'ensi yonna, nga mwe muli ba Maasai, Akie, Barbaig ne Taturu.
- Okufaayo ku kikula ky'abantu n'okulaba ng'abakazi bongera okukiikirirwa, beetabamu era bakulaakulana nga tukola emirimu gyaffe
- Okukolagananga obulungi n'abakwatibwako, omuli okugabana obubaka, okwebuuza okugasa era okuzingiramu buli omu n'okwogeraganya n'abakwatibwako nga basobola okwogera ebibaluma kyere.
- Okwetaba mu kwogerezeganya ku nsonga ezimu mu ngeri etuukana n'obuwangwa, mu budde obutuufu era mu kitiibwa n'abantu b'omu bitundu abakosebwa obutereevu emirimu gyaffe n'okufaayo ku nsonga n'ebirowoozo by'abakwatibwako we kibeera kyetaagisizza.
- Okusobozesa abakoseddwa okufuna obuyambi okuyita mu nkola z'okugonjoola obutakkaanya ezikwatagana n'enkola za UNGP.
- Okukakasa nti embeera ezikolerwamu n'ensasula eby'abakozi ba EACOP bikuuma ekitiibwa ky'abantu n'okulaba nga bakontulakita baffe n'abatuwa ebikozesebwa bakola ekintu kyekimu. Muno mulimu okulaba ng'ekifo awakolerwa tekiriimu bulabe ng'abakozi bakuumibwa obutafuna bubenje, buvune n'obulwadde obwekuusa ku mulimu.
- Okuwera:
  - Obusosoze obwesigamizibwa ku nsibuko, ekikula, emyaka, obulemu, n'ekikula omuntu ky'akkiririzaamu- Okutulugunya okw'engeri yonna
  - Okukakibwa okukola oba okukozesebwa okw'obuwaze
  - Okukozesa abaana.
- Okussa ekitiibwa mu ddembe ly'okwogera, okwerowooleza, okumanya, okwegattira awamu n'abalala, okwemulugunyiza awamu, eddembe ly'okuba n'endowooza, n'eddiini.
- Okumanya obukulu bw'ebitongole ebirwanirira eddembe ly'obuntu (nga bwe bulagiddwa mu Kirangiriro kya UN eky'Abalwanirira Eddembe ly'Obuntu ekya 1998) mu kutumbula n'okukuuma eddembe ly'obuntu. Tetukkiriza kutiisatiisa, kutulugunya, oba okukola obukambwe ku abo abakozesa eddembe lyabwe okwogera, okuwakanya oba okukuŋŋaana ku bikwata ku mulimu gwaffe oba bye tukola. Ebitwogerwako n'ebituvunaanwa tubitwala nga bikulu.
- Okutumbula Emisingi gy'obwa Kyeyagalire ku Bukuumi n'Eddembe ly'Obuntu bwe tuba nga tukolagana n'abakuumaddembe mu bitundu n'okugissa mu nkola nga tukozesa abakuumaddembe ab'obwannannyini.
- Okulaga zigavumenti gye tukolera n'abakwatibwako abalala obweyamo bwaffe okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu. Awo amateeka we gaawukanira n'enkola y'eddembe ly'obuntu eno, tujja kussa ekitiibwa mu misingi gy'eddembe ly'obuntu egikkiririzibwamu mu nsi yonna mu ngeri yonna esoboka mu mbeera eba eriwo.
- Okukozesa enkola eno kwesigamizibbwa ku kubeera nga yeekenneenyezebwa buli luvannyuma lwa bbanga eggere nga kikolebwa akakiiko ak'enjawulo n'okugizza obuggya ng'obweyamo bwaffe obw'okulongoosanga bwe buli.

Enkola eno ekwata ku bakozi ba EACOP bonna. Tukubiriza be tukolagana nabo mu bizineesi ne ba kontulakita baffe okukola mu ngeri ekkiriziganya n'obuwaayiro obussiddwa mu nkola eno. Tutumbula okumanya n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu mu be tukolagana nabo mu bizineesi, omuli okugoberera amateeka agasaanidde, okutendeka n'okutumbula enkolagana n'abakwatibwako we kiba kyetaagisizza.

Martin TIFFEN
Managing Director, EACOP
Ennakuz'omwezi: 28/2/2022